
# BUUZA OMUSAWO

## Bwe weggyamu okwetya ng'olina akawuka



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda AIDS Commission (UAC) alaga engeri alina akawuka ka siriimu bw'ayinza okweggyamu okwetya n'atambuza bulungi obulamu.

**Uganda etuuse wa mu kulwanyisa akawuka ka siriimu?**
Uganda ekoze ekisoboka okulaba ng'erinnya ekirwadde kya siriimu ku nfeete. Abantu bangi we twogerera bakeberebwa, abalala bafuna obujjanjabi okwetooloola eggwanga era bangi bawangadde n'akawuka.

Wadde nga bino byonna bituukiddwaako, omuwaatwa ogukyalemeddewo guli ku ndoowoza eteri ntuufu n'okusonga ennwe oba 'stigma'.

Kino kitegeeza embeera eteri nnungi oba enzikiriza gye balowooleza abo abalina akawuka ka siriimu. Obusosoze si kya bwenkanya kubanga n'akawuka ennaku zino kyangu okutambula nako n'okola emirimu gyo bulungi ate n'owangaala.

**Embeera y'okusosola ekosa etya abalina akawuka?**
Embeera eno ereetera abalina akawuka okwesalira omusango obulamu bwabwe bwonna n'okubeera nga baboolebwa mu bitundu gye bawangaalira.

Embeera eno ejja lwa kutya, amawulire amakyamu agasaasaanyizibwa abantu n'enzikiriza ezitaliiko mutwe na magulu. Abantu abamu bakyatya n'okuliraana abalina akawuka ssaako okugabana nabo ekintu kyonna nga balowooza nabo bajja kukabasiiga.

**Kati abalina akawuka embeera eno ebakosa etya?**
Abo abalina akawuka basobola okukweka embeera yaabwe, ne beerabira okumira eddagala oba okwewala okugenda mu malwaliro okubalabirira. Kino kivaako okujjanjabwa ekikeerezi, obutalabika bulungi n'okusigala nga basaasaanya akawuka.

**Yabitegeezezza Khasifah Naava.**
**EBIRALA BIRINDE WIIKI EJJA.**